# *Abaebbulaniya,*
# *Essuula Ey'Okubiri 3*

Essuula ey'o 7, ey'o 8, ey'o 9, ey'e 10, okuva awo n'okweyongerayo mu, ha, bannange! Tegeka kumpi, ekkalaamu yo enkalu n'olupapula, na buli kimu, kubanga nzikiriza Mukama agenda kutuwa akaseera akalungi ddala. Kati tu...

218 Pawulo agulumiza era ateeka, Mukama waffe Yesu, mu kifo kye kyennyini ekituufu. Kati, kino bwe tukimaliriza akawungeezi kano, ku Ssande ku makya...Nga ebisinga obungi ku bino bigenda kuba bikwatagana n'Obubaka bwe tulifuna ku Ssande ku makya, kubanga buliba bukwata ku "kwawula ssabbiiti." Ekyo kibuuzo kya nsonga nnyo eri abakuuma Ssabbiiti leero. Era njagala okubaaniriza mwenna okujja mubeewo ku Ssande ku makya. Olw'ekibuuzo ekigamba nti, lunaku ki olutuufu, okusinzizaako, Lwamukaaga oba lwa Ssande? Bayibuli ekyogerako ki? Era n'okulaba, oba nga... Ekitabo kino kyawula amateeka n'ekisa, nga Kiteeka buli kimu mu kifo kyakyo. Abaebbulaniya baakuzibwa mateeka, era Pawulo yali abategeeza omulimu ekisa kye gwakola, n'amateeka.

219 Kati, leka tuteekewokko omusingi omutonotono kwe tugenda okuzimbira kati. Tugenda kuddayokko emabega.

220 Ye ate ebyo nga bikyali awo, nnafunyeeyo gaalubindi ez'okusoma. Oba oly'awo nsobola...Kale akawungeezi ka leero ssinga nfunamu obuzibu bwonna nga—nga nsoma, nzirina. Omanyi ŋŋenda...Mbuzaayo emyaka ebiri gyokka okuweza ataano, kale ssikyalaba bulungi bintu binsemberedde, nga bwe gwabanga. Amaaso gange bwe...Nnatandika okuba nga alina ekifu ku maaso nga ebigambo ssikyabiraba bulungi, nnali ndowooza amaaso gange gagenda kuziba. Ne ŋŋenda ne bagakebera. Omusawo n'aŋŋamba nti, "Nedda. Ekyo kijja lwa kuba osussizza emyaka amakumi ana, mutabani." Kwe, kuŋŋamba nti, naye ssinga nnaawangaala ekiseera ekiwerako, nnandiddamu ne ndaba bulungi, ebintu ebyo ebiri okumpi. Yambuuza nti, "Kati, Bayibuli yo osobola okugisoma bw'oba ogisembezezzaayo?"

221 Kko nze nti, "Yee."

222 N'agamba nti, "Naye ekiseera kijja kutuuka, nga omukono gwo tegukyasobola kugisembeza wala kimala."

223 Naye kati nsu—nsuubira nti, mu kuyiga kuno kwe tulimu, kwe...Bayibuli eno entono eyakubibwa aba Collins

erina ennyukuta ennene obulungi. Nziraba bulungi. Naye bwe tutuuka ku bintu eby'amaanyi, eby'obuziba we tulina okukwata Endagaano Empya n'Enkadde, ne tuzikwanaganya. Ate awo nnina eyasengekebwa Scofield eya sayizi entono. Era nnamanyiira engeri gye baalambamu, Bayibuli eyo eyasengekebwa Scofield. Kati sisoma kunnyonnyola kwa byawandiikibwa kuli mu bayibuli eyo eyasengekebwa Scofield, kubanga ssikkiriziganya na Scofield ku ndowooza ze e—ezisinga obungi. Naye nja—njagala engeri gye yateekebwateekebwa, kubanga e. . . Mbadde nayo okumala ebbanga ddene, era ngisomye, ne ngisoma, ne ntuuka okuba nti mmanyi bwe nsobola okufuna kye mba nnoonya.

224 Bino byonna bipya gyendi, eby'okuyigiriza, era ssiri mulungi nnyo mu kuyigiriza. Naye, ssinga munaasobola okuŋŋumiikiriza waakiri okumala akaseera, nzikiriza, nja kubabuulira Amazima gonna ge mmanyi.

225 Kati, Ekitabo kino Pawulo ye yakiwandiika, mujjukira, yali. . . Twamuzuula tutya? Yali muyigiriza ow'ekitalo, okusooka kwa byonna, manya yali muyizi wa byawandiikibwa ow'ekitalo. Era yali yatendekebwa mu Ndagaano Enkadde. Kati waliwo omuntu yenna asobola okumbuulira ani gwe twazuula okuba nti y'eyali omuyigiriza we? [Ekibiina kiddamu nti, "Gamalyeri."—Omuk.] Gamalyeri, omu ku bayigiriza ab'amaanyi ab'ekiseera ekyo.

226 Kati ekirala Pawulo ono, twalaba nti, lumu. . . Waliwo omuntu yenna asobola okumbuulira erinnya lye yali ayitibwa, nga tannatuumibwa lya *Pawulo*? [Ekibiina kiddamu nti, "Sawulo."—Omuk.] Sawulo. Era yali musajja wa maanyi nnyo mu Yerusaalemi, ku ludda olw'eby'enzikiriza. Era yakula mu—musajja eyatendekebwa n'akugukira ddala, munnaddiini. Yali asobola okwogera ennimi nga nnya oba ttaano ez'enjawulo, nga musajja mugezi nnyo. Naye, obuyigirize bwe n'amagezi byamuyamba? Nedda. Yagamba nti yalina okwerabira byonna bye yali amanyi, okusobola okutegeera Kristo.

227 N'olwekyo tukiraba, okuva mu ekyo, nti ekyetaagisa si ye muntu omugezi oba eyasoma. Ekyetaagisa ye—ye muntu omwetegefu okwewombeeka mu maaso ga Katonda, k'abeere nga anaakikola atya.

228 Mubadde mukimanyi nti Dwight Moody te—teyalina buyigirize bwonna n'akatono okutuusa nti, bwe tuba ba kwogera mazima, bye yawandiika byali bibulamu nnyo n'okusinga bwe nnyinza okunnyonnyola. Obubaka bwe baabanga balina okubutereeza, buli kiseera. Te—teyali muwandiisi mulungi n'akatono, nga teyasomako yadde.

229 Mubadde mukimanyi nti Peetero ne Yokaana, ab'omu Bayibuli, baali tebaasomako yadde nga tebasobola yadde okuwandiika amannya gaabwe gennyini, nga ne bwe

gabateekebwa mu maaso gaabwe awo tebasobola kugategeera? Omutume Peetero, eyalina ebisumuluzo by'Obwakabaka, yali tasobola kutegeera linnya lye ssinga liba liwandiikiddwa mu maaso ge. Kirowoozeeko. Bayibuli egamba, nti, "Yali tamanyi kusoma era nga talina buyigirize bwonna." N'olwekyo, ekyo nange kimpa akakisa. Amiina. Yee, ssebo. Ekyo kikyasobola okuddamu ne kibaawo, era osobola okukizuula nti Katonda asobola okukozesa omuntu omulala ali mu mbeera bw'etyo.

230 Kati, era twakiraba nti, amangu ddala nga Pawulo ekintu ekyo ekikulu kimaze okumutuukako . . . Njagala mbabuuze. Bw'ojja eri Kristo wabaawo ekikutuukako? Buli muntu wabaawo ekimutuukako? Yee, ssebo. Yee, ssebo. Kubeera Kuzaalibwa. Kibeera kintu eky'enjawulo ekikutuukako. Kati twaliko mu Ttendekero ly'Abaluzalaani, gye buvuddeko . . .

231 Nnafunye omukisa leero emisana, weewaawo nnakeereye, nnabadde nnina kubaayo ku ssaawa mukaaga, okulya eky'emisana wamu—wamu ne Tom Haire. Bameka abaali bamuwuliddeko, omusabi nnakinku oyo, omwatiikirivu, Omwayirisi? Era abadde n'Owoluganda Epp, ku pulogulaamu ye, era akyaddeko mu bifo ebiwerako wano mu Amerika. Kale nnalidde naye eky'emisana leero. Era twabadde . . . Lwakuba nnakeereyeemu essaawa nga ssatu. Zaabadde ssaawa nga mwenda n'ekitundu awo, nga wabulayo eddakiika nga kkumi na ttaano okuwera ekkumi, we twafunidde eky'okulya. Naye kyabadde kirungi. Era twabadde tukubaganya ebirowoozo ku bintu bino, engeri Yesu Kristo gy'ali Omutwe gw'ebintu byonna.

232 Kati, Pawulo kino bwe yakizuula, bwe yatuukibwako ekintu kino. Kati nga tannaba kukkiriza kintu kino ekyali kimutuuseeko, kyalina okuba nga kikwatagana ne Bayibuli. Era twakiraba nti ya—yatambula n'agenda mu ggwanga eddala, n'abeera eyo okumala emyaka esatu, nga yeekenneenya Ebyawandiikibwa, okulaba oba nga ekyo ekyamutuukako kyali kituufu.

233 Kati, tukiraba nti yalina ekintu ekikulu ekiteewalika kye yalina okweŋŋanga. Yalina okukomawo ategeeze ekkanisa ye, n'abantu bonna, nti ebintu byennyini bye yayigganyanga bye byali ebituufu.

234 Ekintu bwe kityo nnamwe mwakikola? Weewaawo, kumpi fenna twakikola, we twalina okuddayo ne tubagamba nti, "Abantu bali be twayitanga 'abatukuvu abeevulunga,' nkizudde, nga batuufu." Mukiraba? Ky'ekyo. Twalina okukyuka. Ebintu bye twakyawanga, ate kati tubyagala. Kuba kukyusibwa, kibeera kintu ekitali kya bulijjo, ekyewuunyisa.

235 Kati, njogedde ekigambo ekyo nti, "omutukuvu eyeevulunga." Ekyo tekiriiyo. Tekiriiyo. Naye, baakipaatiika bupaatiisi ku bantu, abakkiririza mu butukuvu. Naye tewali bantu bayitibwa batukuvu abeevulunga. Tebaliiyo. Ku kye

mmanyi, teri buwandiike bwa kkanisa yonna yali ewandiisiddwa na linnya bwe lityo, ku bibiina by'amadiini lwenda mu nkaaga n'omusobyo eby'enjawulo. Temuliimu kibiina kya ddiini kye bayita batukuvu abeevulunga. Wabula li—linnya ssetaani lye yapaatiika ku Kkanisa.

236 Naye ne mu biro biri, baabayitanga . . . Bameka abamanyi kye baabayitanga mu biro bya Pawulo? Abayigiriza ebikyamya. Mumanyi *akyamya* kye kitegeeza? "Muzoole." Babeera bantu abazoole. N'olwekyo, ndowooza waakiri nnandiyitibwa "omutukuvu eyeevulunga" mu kifo kya "akyamya." Ate ggwe? Kale bwe—bwe babeera nga ekyo kye baabayita, ate ne basanyuka!

Kati Yesu yatugamba kukola ki bwe batuyita batyo? Yatugamba, "Musanyuke, mujaguze nnyo nnyini; kubanga empeera yammwe nnene nnyo mu Ggulu, kubanga bwe batyo bwe baayigganya bannabbi abaabasooka." Baakikola.

237 Yatugamba, "Musanyuke nnyo nnyini." Ekintu kyonna *ekisukkirira* kibeera "kiyimusiddwa waggulu nnyo," mubugaane essanyu. Era n'abayigirizwa, bwe baakitegeera nti basaanyiziddwa okwetikka ekivume ky'Erinnya lya Yesu, baajaguza ne babugaana essanyu olw'okusaanyizibwa okwetikka ekivume ky'Erinnya Lye.

238 Naye leero, abantu bangi leero, bwe babayita abatukuvu abeevulunga, bawulira nga baswala era bagamba, "Bannange! Nnandiba nga nnali mukyamu, okusooka kwa byonna."

Naye bali baakisanyukira, "Ha, bannange, okuyitibwa Erinnya eryo!"

239 Kati, mu kyasa eky'okubiri, baabayitanga *bamuweeka misaalaba*. Era ekyo ky'ekiseera Abakristaayo mwe beetikkiranga emisaalaba ku migongo, okulaga nti baakomererwa ne Kristo. Baabayitanga *bamuweeka misaalaba*. Kati nkimanyi ekyo Abakatuliki nabo bakyeyita, naye eyo teyali ekereziya Katolika. Yali kkanisa eyawakanya Obukatuliki bwe yali tennatuumibwa linnya eryo lya kkanisa eyawakanya Obukatuliki. Ekintu kyokka kye yali ewakanya mu kiseera ekyo kyali kibi. Ensonga lwaki leero eyitibwa ekkanisa eyawakanya Obukatuliki lwakuba yawakanya e—ebigunje by'enzikiriza y'Obukatuliki bye baagunjaawo. Naye era . . . Yali, era, teyaliimu bubondobondo mu kiseera kiri, we baabayitira *bamuweeka misaalaba*.

240 Ggwe ojje ofune ebyafaayo bya Josephus n'eby'abawandiisi abalala, n'ekitabo kya Hislop ekiyitibwa *Babulooni Ebbiri,* n'ebirala, ojja kukizuula nti bwe kiri, nti tebaali kkanisa ya ddiini. Ekkanisa eyasookera ddala, mu zonna, okugunjibwamu ekibiina ky'eddiini yali ekereziya Katolika, nga wayiseewo emyaka nga ebikumi bisatu, o—oluvannyuma lw'okufa kw'abatume abaasembayo okufa. Waayitawo emyaka nga

ebikumi bisatu, olwo ekereziya Katolika n'eryoka egunjibwamu ekibiina ky'eddiini. Awo okuyigganyizibwa ne kutandika, ne bawaliriza abantu okwegatta ku ekereziya Katolika, era ne bagatta wamu, ekkanisa ne gavumenti.

241 Ekyo kyaliwo, oluvannyuma lw'ekyo kye baayita okukyusibwa kwa Constantine, okuva mu bukaafiiri okuyingira Obukatuliki. Naye, bwe wabaawo omuntu yenna eyali asomye ku byafaayo bye, akimanyi bulungi nti teyakyusibwa, ku bintu biri bye yakola. O, bannange! Ekintu kyokka kye yakola ekyekuusa ku ddiini kwe kuteeka omusaalaba ku kkanisa y'Omutukuvu Sophia. Ekyo kye kintu kyokka kye yali akoze, ekyekuusa ku by'eddiini. Yali—yali kikonwa. Naye ekyo bo kye bagamba mbu—mbu yakyuka. Kyenkana kifaananira ddala n'ebimu ku bye bayita okulokoka ensangi zino.

242 Kaakati, naye, tukiraba nti, Pawulo bwe yakyusibwa n'atuukibwako ekintu kino ekya nnamaddala, yakyukira ddala.

Era, mukimanyi nti, *okukyusibwa* kitegeeza "kukyuka n'otunula gy'obadde okubye omugongo." Obadde ogenda *eno*, naye n'okyuka n'otambula nga kati odda *eno*. Yee, ssebo. Kuba kukyuka, n'otunula gy'obadde okubye omugongo.

243 Era Pawulo, amangu ddala nga yaakakyusibwa, nga ekintu kino ekyamutuukako tannaki . . . Kati, eky'amazima yatuukibwako ekintu ddala eky'ekyewuunyo.

Kati, nzikiriza nti, bw'okkiriza Kristo, nga Omulokozi wo, wabaawo eky'enjawulo ekikutuukako. Nzikiriza nti, essanyu ly'okumanya nti ebibi byo bisonyiyiddwa, likuleetera okubugaana essanyu mu mutima gwo, wenna wenna.

244 Naye kati Omwoyo Omutukuvu oyo ow'omukisa bw'akukkako, ate obwo bubeera bumanyirivu, obw'Okuzaalibwa obuggya okwo, bw'otalyerabira. Ofuuka Mwana wa Katonda. Era kino kye kikikola . . .

"Okimanya otya, Ow'oluganda Branham?"

245 Kati, gano masomo ga kuyigiriza buyigiriza. Abantu bangi, Abamesodisiti, bagezaako okugamba nti, "Baaleekaana bwe baamufuna." Kati, ekyo kirungi. Bw'oba wamufuna, n'oleekaana, tewali buzibu. Naye eky'okubeera nti waleekaana, ssi ke kabonero akakakasa nti wamufuna, kubanga bangi abaaleekaana naye nga tebamulina.

246 Abapentekoote baagamba nti, "Baayogera mu nnimi. Era baamufuna." Ekyo kirungi. Bw'oba wayogera mu nnimi, nga ddala wamufuna, ekyo kirungi. Naye era osobola okwogera mu nnimi ate nga tomulina. Kati awo tutwale ki?

247 Kale, olaba, ekikulu kya byonna, bwe bumanyirivu obukutuukako obw'okuva mu kufa n'oyingira mu Bulamu; ebintu byonna eby'edda we bifiira, n'ebintu byonna ne bifuuka bipya. Kristo n'afuuka owa nnamaddala. Ebintu eby'obulamu

obukadde ne bivaawo, emirandira egy'obulamu obukadde egy'endowooza ey'omubiri. Mumanyi bwe basigula ekikolo? Twateranga okukozesa enkumbi esigula ne tusima ekikolo, ne tukisigula obutalekaayo yadde akalandira. Era baagamba nti, "Bwe wabaawo ekikolo kyonna eky'obukaawu ekiroka mu bulamu bwo, kikuuleyo." Ekyo kituufu. Era ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'akola, asigulayo emirandira gyonna. Gisiguleyo. Gikuŋŋaanye wamu; ogyokye. Gisaanyeewo. Awo obeera ojja kufuna amakungula amalungi, bwe tukola bwe tutyo.

248 Kati, Pawulo yali akimanyi nti waliwo ekyabaawo, bw'atyo agenda eyo mu Buwalabu, n'amalayo emyaka esatu nga asoma ku bannabbi ab'Endagaano Enkadde bonna, nga bwe baalagula. Era agenda okukizuula nga Gano ge gaali Amazima gennyini.

249 Kaakati, ekyo kigeraageranye ne leero, okiraba, ku kintu kino ekyabaawo wano mu kkanisa eno entono: eky'Emmunyeenye ey'Enkya okulabika emitala, Ekitangaala ekyo eky'amaanyi ekyakka wansi, ekyayogera era ne kiraga ebyali bigenda okubaawo. Ekyo mumanyi, nga kyewuunyisa. Naye ate muganda wange omuweereza ye yaŋŋamba nti kyali kya ssetaani. Ne—ne kinnema okutegeera.

250 Kale, ssaakyogerako kintu kyonna okutuusa lumu ekiro, ekintu ekimu lwe kyabaawo engulu eri ku kyuma kya Green's Mill, mu Indiana, Malayika wa Mukama bwe yakka n'atambula bwe yamala n'ayimirira awo, n'akikakasa okuyita mu Byawandiikibwa. Okuva awo ne kikoleeza omuliro. Ne kitandika okubuna wonna.

251 Era jjuuzi wano Ssande eyakaggwa nga tennaba, twalaba obubonero bwa Yesu Kristo obutayinza kulemererwa, Oyo asobola okuddira omusajja eyali tatambula, era nga ta... Akasimu akamusobozesa okwetengerera kaali kaafa, nga ab'eddwaaliro lya Mayo n'abasawo abasingayo obulungi baamugamba nti, "Bw'atyo bw'alibeera, emirembe gyonna." Nga atudde awo muzibe w'amaaso; naye n'asituka n'atambula n'afuluma ekizimbe, nga bw'asindika akagaali ke ak'abalema nga akkirira amadaala, nga alaba wamu n'okutambula bulungi ddala nga omuntu omulala yenna. Ekyo kiraga nti ago maanyi ga Mukama waffe Yesu eyazuukira. Kiikyo. Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

252 Kati tetuli kibiina kya bantu abasanyufu akawungeezi kano, okukimanya nti Katonda yakakasa ekintu kino eky'ekitalo kye tulina, okuba nti kisobola okugeraageranyizibwa ne Bayibuli Ye wamu n'ebisuubizo? N'olwekyo tusaanye okuba abasanyufu ennyo. Era tukiraba nti, mu ssuula ey'oku 2, tukiraba nti, "Ebintu bino tetulina ku...Ebintu bino tetulina kubiragajjalira." Ebintu ebyo tusaanye tubinyweze.

> Ye kati tugenda *kuwona tutya, singa tulagajjalira obulokozi obukulu* obwenkanidde awo;...

253 Tulikola ki, mu musana gw'Ekigambo kya Katonda, bwe tuliyimirira mu Kaguli okusalirwa Omusango? Tolisobola kugamba nti, "Nze ekituufu ssaakimanya." O, weewaawo, wakimanya. "Naye, kati, kyali kisoboka okuba nti Ow'oluganda Branham mukyamu." Ekyo kituufu. Naye Katonda si mukyamu. Ekigambo Kye si kikyamu. Lowooza ne ku ky'okubeera nti, ebintu bye bimu, ebiri mu Bayibuli, ebyaliwo mu biseera by'abatume, weebiri nate. O, Erinnya lya Mukama lyebazibwe!

254 Bwe ndowooza ku ky'okuba nti mpeza emyaka amakumi ana mu munaana, nga nnaatera kuweza ataano, era ennaku zange ez'obuvubuka ziweddeyo, n'ebirala; okukimanya nti okuviira ddala nga nkyali kalenzi kato nnafuna Ekisuubizo kino eky'omukisa, era nga nkirangiridde eri baganda bange ne bannyinaze; ne nneerabirako ddala n'amaaso gange nti waliwo enkumi n'enkumi z'abo abavudde mu kizikiza, n'okukimanya nti tugenda mu Maka gaffe Agataggwaawo, ag'abo abaaweebwa omukisa. "Era ssinga ensiisira eno ey'oku nsi ebumbulukuka," nga ssinnamaliriza kubuulira, "emitala eri waliyo endala etulindiridde." Aleruuya! Okukimanya nti waliwo abantu abawerera ddala abatudde wano, nga, ssinga bava mu bulamu bw'ensi eno mu ddakiika eno yennyini, emirambo gyabwe tuba tetunnagikwasa aziraga, bajja kuba baamaze dda okwambala omubiri guli ogw'ekitiibwa emitala w'eri, nga bajaguza wamu n'abatukuvu ba Katonda, nga baatuuse dda mu Maaso ga Katonda, okubeera abalamu emirembe n'emirembe. Balina obukakafu bwennyini ddala, obutabuusibwabuusibwa nti ekyo ddala bwe kiri! Amiina.

255 Nnyabula, ekyo kyandireetedde Omupulesibiteriyani okuleekaana! Kyabaleetera okuleekaana ku Ssande, ssi bwe kiri? Abantu abo baali Bapulesibeteriyani. Mazima ddala kyandimuleetedde okuleekaana, okukirowoozaako obulowooza. O, wamma abantu kye bava bakyamuka! Kuba, bw'oba osobola okukyamuka olw'okukuba akapiira oba okukakasuka mu nsero ne kanywa, tekiisingewo nnyo okukukyamula bw'onaakitegeera nti wava mu kufa n'oyingira Obulamu, nti oli Kitonde kiggya mu Kristo! Okimanyira ku ngeri omwoyo wo gy'akukulemberamu okukuggya ku ttima, n'obukuusa, n'enge, n'ebintu by'ensi byonna. Nga omutima gwo essira gulitadde ku Kristo. Nga ebyo bye bigendererwa byo. Nga bye byokka by'olowoozaako mu birowoozo byo, bye bikubeera ku mutima, emisana wonna n'ekiro. Nga bw'ogenda okwebaka ekiro, n'oteeka emikono gyo enkoto, *bw'oti*, ogalamira n'obeera awo nga omutendereza okutuusa lwe weebaka. Ne bw'ozuukuka ku makya era ozuukuka okyamutendereza. Amiina. Ha, bannange!

256 Ngezezzaako okumutenderezanga. Buli ku makya, tubaddenga tuzuukuka ku ssaawa nga kkumi nga bukya, nze n'Ow'oluganda Wood, nga tukeera ku makya ne tugenda, okuyigga bukaamuje. Nzikiriza, mbaddenga mmutendereereza

wansi wa buli muti, gwe nsanga. Nga ssiyinza kulaba muti, ne ssimutendereza. Bwe nkirowoozaako mu nze nti, n'omuti ogwo ye Yagutonda. Bwe ndaba akayanzi nga kabuuka nga ndowoozaamu nti; n'akayanzi ako Akamanyi. "Ha," oyinza okuŋŋamba, "ebyo bya bwewussa, Ow'oluganda Bill." Nedda, nedda, ssi bya bwewussa. Amanyi buli kakaamuje we kali. Amanyi buli kiwojjolo we kiri.

257 Kubanga, lumu, Yali yeetaagayo ku ssente, n'Agamba nti, "Peetero, waliwo ekyennyanja, ekimize ekinusu, mu kaseera katono akaakayita, ekinusu ekyo ze ssente, zennyini ze tweetaaga. Genda osuuleyo eddobo. ŋŋenda kukisindika kijje awo. Okiggyemu ekinusu ekyo mu kamwa, kuba kyo, tekirina kye kigenda kukikozesa. Ogende osasule ekimu ky'ekkumi kyaffe n'omusolo gwaffe." Amiina.

258 Kati wiiki ntono ezaakayita, nnalaba akennyanja akattiddwa, nga katengejjera ku mazzi. Ebikwata ku kennyanja mwenna mwabiwulira. Ow'oluganda Wood, ne muganda we n'abalala weebali wano nga abajulizi abaaliwo nga kibaawo. Akennyanja ako kaali kamaze kitundu kya ssaawa nga kafudde, nga kali awo katengejjera ku mazzi, nga obwenda bwako busowoseeyo okuyita mu kamwa. Omwoyo Omutukuvu ow'ekitalo n'akka wansi, oluvannyuma lw'okukyogera, olunaku lumu nga tekinnabaawo nti, "Waliwo akasolo k'ogenda okulaba nga kazuukira." Era enkeera, nga akasana kaakavaayo, ne tulaba akennyanja ako akatono, nga kenkana nga *wano* obuwanvu. Omwoyo wa Mukama bwe yakka wansi, n'agamba nti, "Ggwe akennyanja, Yesu Kristo akuddiza obulamu bwo." Akennyanja ako akaali kafudde, nga katengejjera ku ngulu ku mazzi okumala kyenkana kitundu kya ssaawa, ne kaddamu obulamu ne kawuga ne kagenda ku misinde egy'amaanyi ddala. O, Erinnya lya Mukama lyebazibwe. Nga mulungi nnyo!

259 Ky'ova olaba Pawulo yasobola okugamba, nti, "Yali mu ngeri ya Merukizeddeeki." Yali Merukizeddeeki. "Merukizeddeeki teyalina ntandikwa ya nnaku. Teyalina nkomerero ya myaka. Teyalina ntandikwa ya bulamu wadde enkomerero y'obulamu. Teyalina kitaawe newankubadde nnyina." N'olwekyo, Yali tayinza kuba mulala yenna. Kyonna kye Yali, Akyali mulamu n'akawungeezi ka leero. N'olwekyo, waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era Katonda yekka y'abulina.

260 Akawungeezi ka jjo bwe twabadde tukubaganya ebirowoozo, ow'oluganda yabadde tategeera busatu bwa Katonda, n'engeri gye twabadde tubwogerako. Engeri Yesu gye yayimirira awo, nga Omusajja, ow'emyaka nga amakumi asatu. N'agamba nti . . .

Baamugamba nti, "Ha, bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu."

261 Ye n'abagamba nti, "Naye bonna, bonna, bafu." Naye n'Agamba nti, "Nze Mugaati ogwo ogw'Obulamu oguva eri Katonda mu Ggulu, omuntu gw'alya n'atafa."

262 "Ha," ne bagamba nti, "bajjajjaffe baanywa ku Lwazi mu ddungu."

263 Ye n'abagamba nti, "Nze Lwazi olwo." Omusajja ow'emyaka amakumi asatu. N'agamba nti, "Ibulayimu yasanyuka okulaba olunaku Lwange."

264 "Naye," omu n'amubuuza nti, "kati ky'ogezaako okuŋŋamba nti Oli mukulu okwenkana nga Ibulayimu, Ggwe atannaweza yadde emyaka ataano, oyagala kutugamba mbu Walaba Ibulayimu nga kasookedde afa waakayitawo emyaka lunaana? Kati tukitegedde Oliko dayimooni. Oli mulalu." Ekyo kye. . . Ekigambo ekyo *dayimooni* kye kitegeeza, "muntu omulalu." N'amugamba nti, "Oliko dayimooni, era Oli mulalu."

265 N'agamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI."

266 Ky'ekyo kye Yali. Teyali muntu buntu, ate Teyali nnabbi kyokka. Yali Katonda, Katonda nga ali ku nsi mu mubiri ogwayitibwa "Yesu," oyo—Omwana wa Katonda ayambadde omubiri. Ky'ekyo kyennyini kye Yali.

267 Kati, tumulaba wano eno, mu kitundu ekisembayo, eky'okuwumbawumba kw'essuula ey'oku 2, kye njagala okukwatako, okutandikira ku lunyiriri olw'e 16, manya olunyiriri olw'e 15.

*Era* n'abanunula *abo. . .abo bonna abali mu buddu obulamu bwabwe bwonna olw'entiisa y'okufa—y'okufa.*

Yagamba ekyo Yesu kye yakola, nti Yajja okubanunula okuva mu buddu, abo abaali mu ntiisa y'okufa obulamu bwabwe bwonna.

268 Kati tewali nsonga ya kutya kufa. Kati, weewaawo, tukutya; ffe, tewali n'omu ku ffe ayagala kufa, kye tuyita, *okufa*. Naye mukimanyi nti omuntu bw'azaalibwa omulundi ogw'okubiri aba tasobola kufa? Ayinza atya okuba n'Obulamu Obutaggwaawo ate n'afa? Tasobola. Ekintu kyokka okufa kye kuli, ekigambo *okufa,* kitegeeza "kwawukanyizibwa." Kati omuntu oyo aba ajja kutwawukanako atuve ku maaso tubeere nga tetukyamulaba. Naye lubeerera ajja kuba ali mu Kubeerawo kwa Katonda, era w'anaabeeranga. N'olwekyo, okufa si kintu kizibu. Okufa kintu kya kitiibwa nnyo. Okufa kwe kututwala mu Kubeerawo kwa Katonda.

269 Naye kati, weewaawo, ffe, nga bwe tuli bantu, nga tutambulira mu bintu bino eby'enzikiza, okufa te—tetukutegeera nga bwe tulina kukutegeera. Era, eky'amazima, entiisa y'obulumi bw'okufa bw'ejja, ereetera asingayo obutukuvu mu ffe okutya n'okuggwamu amaanyi. Kwaleetera Omwana wa Katonda okugamba nti, "Ekikompe kino kiyinza okunvaako?"

Okufa kintu kya ntiisa. Temukifuna bubi. Kubanga tu . . . Okufa okwo, y'empeera y'ekibi, kale kulina okuba okw'entiisa.

Naye ssinga tusobola okulabako ebusukka ggigi, emitala eri, eyo gye kiri. Mukama yeebazibwe! Ebusukka ggigi, eyo omuntu gy'ayaayanira okulaba akawungeezi kano. Omuto Anna Mae Snelling ne banne baateranga okuyimba wano oluyimba olugamba nti, "Mukama, Nsaba Onzikirize Ndabeko Ebusukka Ggigi Ly'Ebiseera." Eyo buli omu yandyagadde okulabayo.

270 Kati, kati tuli wano eno, mu lunyiriri olw'e 16. "Kubanga mazima ddala Yatwala . . . "

*Kubanga mazima teyatwala, kikula kya bamalayika; naye yatwala ekikula ky'ezzadde lya Ibulayimu.*

271 Ha, ekyo kati twagala tuddemu tukinnyikize. Kati mu kaseera kano tugenda kukkirira wansi tutuuke ku . . . Kubanga, ekitundu ekisooka eky'essuula eno ey'oku 3, ekitundu kyayo ekisembayo, kikwatagana ne "eky'olunaku olwo olwa sabbiiti," kye tugenda okuyigirizaako ku Ssande eno ejja.

272 Kaakati mwetegereze.

*. . . teyatwala . . . kikula kya bamalayika; . . .*

Kati, y'ani "Oyo," gw'ayogerako? Kristo. Kristo y'Ani? Ye Katonda, ye Logos ya Katonda.

273 Kati kino leka nziremu nkinnyonnyole, mukifune bulungi. Katonda takolebwa Bakatonda basatu. Obusatu bwa Katonda bulimu Omu. Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu, tekitegeeza nti waliwo Bakatonda basatu ab'enjawulo. Bwe kiba kye kitegeeza, awo tuba bakaafiiri. Y'ensonga lwaki Abayudaaya tebakitegeera. Tekiyigirizibwangako mu Bayibuli. Kati, kiyigirizibwa mu ekereziya Katolika, mazima ddala, era eyo okubatiza mu busatu gye kwasibuka.

274 Mu Afirika bakubatiza nga bakunnyika emirundi esatu nga bakuvuunika: omulundi ogusooka ku bwa Katonda Kitaffe; ogw'okubiri ku bwa Katonda Omwana; n'ogw'okusatu ku bwa Katonda Omwoyo Omutukuvu. Kati, eyo nsobi. Mu Bayibuli temuliimu njigiriza za kintu kifaanana bwe kityo. Okiraba?

275 Naye kati, ekyo—ekyo kye baayigiriza. Ne kibbulukukira mu Luther; okuva mu Luther, ne kidda mu Wesley; ne kijja nga kyeyongera mu maaso bwe kityo mu mirembe egy'enjawulo. Naye tekibangako njigiriza ya Bayibuli. Bulijjo ebaddenga nsobi, okuva lwe yatandika.

276 Kale, kati, Katonda yaliwo ku lubereberye. Bwe waali tewannabaawo kitangaala kyonna, bwe waali tewannabaawo yadde akaweke akasirikitu konna, bwe waali tewannabaawo mmunyeenye yonna, bwe waali tewannabaawo kintu kyonna ekirabika, Katonda yaliwo era nga ajjuza ebbanga lyonna. Era mu Ye temwalimu kirala kyonna okuggyako obulongoofu obwereere: okwagala okutaliimu bukuusa, obutukuvu

obwereere, obutuukirivu obwereere. Yali Mwoyo. Yali ajjuza ebbanga lyonna okuviira ddala eri mu Butaggwaawo, bwe tutayinza kufumiitirizako ne tubutegeera. Busukka ekintu kyonna kye tuyinza okufumiitirizaako.

277 Nga okuyita mu kirawuli ky'ekyuma ekyo ekirengera mu bwengula, bwe tusobola okulaba e—emyaka obukadde kikumi n'omusobyo egibalibwa ku misinde ekitangaala kwe kiddukira. Kirowoozeeko. Obukadde kikumi obw'emyaka egy'ekitangaala. Ate nga ekitangaala—ekitaangaala kitambulira ku misinde gya mayiro kanaana buli katikitiki. Naye ne tulaba emyaka obukadde kikumi n'omusobyo obw'emyaka egibalibwa ku misinde ekitangaala kwe kiddukira . . . Ggwe kubamu akafaananyi obwo bubeera obukadde bumeka obwa mayiro eza bulijjo. Toyinza na kububala. Osobola okuwandiika ennyiriri z'ennamba mwenda eziddiriŋŋana okwetoloola ekibuga Jeffersonville kyonna, naye era n'otayinza kuweza buwanvu bwa lugendo ekitangaala lwe kiddukira mu bwengula mu mwaka gumu bw'obugeraageranya ne mayiro zino. Kirowoozeeko. Nga ate bw'osukka awo waliyo emmunyeenye ne zi sseŋŋendo. Kyokka Katonda, nga n'ekimu ku ebyo tekinnabaawo, Ye yaliwo. Mukiraba?

278 Era kati Logos eyava mu Katonda, eyali—eyali Logos, bino byonna byatandika okufuna enkula—ey'omubiri. Era enkula eno ey'omubiri yaweebwa erinnya, mu njigiriza y'abakenkufu mu byawandiikibwa eyitibwa, Logos, ye Logos eyava mu Katonda. Mu ngeri endala, e—ekigambo ekiginnyonnyola obulungi, kye tuyita omubiri ogw'omwoyo. (Omubiri ogw'omwoyo gwe mubiri ogw'omuntu nga gumaze okugulumizibwa.) Ssi nga gulina omusaayi n'ennyama nga bwe gulibeera nga gumaze okugulumizibwa, wabula guli mu nkula ey'omubiri gw'omuntu nga tegulya, era nga tegunywa, naye nga—nga mubiri, omubiri ogutulindiridde oluba okuva mu guno. Kati, bwe tugendayo, ogwo gwe mubiri gwe tuyingiramu. Era ekyo kye kika ky'omubiri Katonda gwe yalina, kubanga Yagamba nti, "Leka tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe era mu ngeri yaffe."

279 Kati, omuntu bwe yali mu mubiri ogwo, yali afuga ebyennyanja byonna, n'ebibuuka mu bbanga, na—n'ensolo ez'omu ttale. "Naye tewaali muntu wa kulima nsi," Olubereberye 2. Yali amaze okutonda omusajja n'omukazi, naye tewaali muntu wa kulima nsi.

Awo Katonda kwe kukola omuntu okuva mu nfuufu y'ensi. N'amuwa omukono nga—nga ogw'ezzike. N'amuwa ekigere nga eky'eddubu. N'amuwa, n'Amukolera, ekifaananyi. Era omubiri guno ogw'oku nsi guli mu kifaananyi kya bulamu bwa nsolo, era gwakolebwa kuva mu birungo bye bimu. Omubiri gwo gwakolebwa okuva mu birungo bye bimu nga ogw'embalaasi, oba ogw'embwa, oba ogw'ekintu ekirala kyonna bwe kityo. Gwakolebwa okuva mu kalisiyamu, potashi, petuloliyamu,

n'ekitaangaala ky'ensi. Ggwe toli . . . Emibiri gyonna wadde gyakolebwa bwe gityo tegifaanagana; mibiri gya njawulo, naye gyonna gyakolebwa mu nfuufu ya nsi mwe gyava.

Naye, enjawulo wakati w'ensolo n'omuntu, omuntu Katonda yamuteekamu emmeeme, gy'Ataateeka mu nsolo. Kubanga, emmeeme eyali mu muntu gwe mubiri guli ogw'omwoyo.

Ha, ssi—ssi, ssigenda kusobola kukwata ku . . . kyakuyigako kino, naye kino nteekwa buteekwa okukyogerako.

280 Mulabeeyo. Temujjukira Peetero bwe yali mu kkomera, Malayika wa Mukama n'ajja n'aggulawo enzigi?

281 Jjuuzi, twali tuyingira ssemaduuka erudda wano, oluggi ne lutweggulira lwokka nga tewali alukutteko. Ne ŋŋamba nti, "Okimanyi nti, ekyo kyasooka kwogerwako mu Bayibuli." Okiraba? Naye kati, leero waliwo, oluggi olweggula, lwokka.

282 Era Peetero bwe yafuluma, n'ayita ku bakuumi bano, baali tebamulaba. Yayita ku mukuumi ow'omunda, n'ayita ku w'ebweru, n'atuuka mu luggya, n'ayita mu kisenge ky'ekikomera, n'atuuka mu luguudo. Naye tewali n'omu ku bo yamutegeera. Era tebaafaayo . . . Baalowooza y'omu ku bakuumi bannaabwe oba omuntu omulala bw'atyo. Ba . . . Yabayitangako buyisi, n'atuuka ku luggi ne lweggula lwokka, n'ayitawo n'afuluma, ne lumala ne lweggala ng'amaze okuyitawo. Era bwe yafuluma ebweru, yali alowooza aloota. N'aserengeta n'agenda mu nnyumba ya John Mark, gye baalina olukuŋŋaana lw'okusaba. N'akonkona . . . [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti. Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . okuba mu makkati gammwe.

283 O, nga Waakitiibwa. Nga mulungi nnyo.

> Kati, oo, *ye* teyakolebwa *mu* ngeri *ya* malayika; *naye yatwala . . . ezzadde lya Ibulayimu.* Katonda yafuuka *ezzadde lya Ibulayimu.*

284 Kati, ssinga tubadde n'obudde obumala, okuddayo emabega ne tulaga engeri gye Yakikolamu mu Ndagaano! Mumpulidde emirundi mingi, nga nkibuulirako, nga bwe yakwata ensolo ezo n'azaabuluzaamu wakati, n'akwata kaamukuukulu n'enjiibwa n'abisuula wakati waazo. Bwe yamala n'atunula, n'alaba akakka, entiisa ey'ekizikiza ekikutte, okufa. Ekyaddako, ne wabaawo ekikoomi ekinyooka, amagombe. Naye, ebyo bwe byavaawo, ne wavaayo Akatangaala akeeru. Akeeru ako ne kayita wakati wa buli kimu ku bitundu ebya ssaddaaka eyo eyabuluziddwamu, nga alaga kye Yali agenda okukola gye bujja. N'akola ekirayiro, ekyo bwe Yakikola, n'Awandiika Endagaano, nga alaga kye Yali agenda okukola gye bujja.

285 Bw'Atyo, Yesu Kristo, n'ajja ku nsi; Katonda, *Emmanweri*, "Katonda ali mu mubiri." Era e Kalivaaliyo, n'Ayabuluzibwamu

bibiri. Omwoyo We n'akomawo ku Kkanisa. Ate omubiri Gwe ne gusitulibwa waggulu ne gutuuzibwa ku Ntebe ya Katonda.

Ku Ntebe ya Katonda! Atuula ku Ntebe y'abeera Omulamuzi. Ekyo tukimanyi. Kati olwo, okusala Omusango kuli eri ani? Kitaffe yawa . . . Ye tasalira muntu yenna musango. Naye Kitaffe yawa Omwana okusala omusango gwonna. N'olwekyo Ye mulamuzi. Era Obulamu Bwe ye Kabona Omukulu, nga atudde awo n'omubiri Gwe Ye, nga ssaddaaka, okwegayirira ku lw'okwatula kwaffe. Amiina. Ow'oluganda, ekyo kirina ekintu eky'enjawulo kye kikuteekamu.

286 Mwekkaanye, "Yatwala ekikula ky'Ezzadde lya Ibulayimu." Yafuuka Omuntu. Katonda, yafuuka omuntu n'abeerako gye tuli, okusobola okutununula. Amakulu nti, Katonda yafuuka ekibi, ffe aboonoonyi tusobole okufuuka ekitundu ku Ye. Era bwe tufuuka ekitundu ku Ye, tugabana ku . . . Twali bantu abaliko ekkomo ly'ebiseera bye tulina okuwangaala, emyaka nsanvu gyokka. Naye Katonda n'akka wansi n'afuuka omu ku ffe, abawangaala emyaka ensanvu, okumala ekiseera Kye yeegerekera, tusobole okugabana ku Bulamu Bwe Obutaggwaawo. Na bwe kityo bwe tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, tuba baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, nga tulina Obulamu Obutaggwaawo, era tetulizikirira.

O, nga—nga—nga Mulokozi ow'omukisa! O, tewali ngeri yonna ya kukiwandiikamu. Tewali ngeri yonna ya kukinnyonnyolamu. Tekinnyonnyolekeka. Tewali n'omu ayinza kunnyonnyola bukulu bwakyo. "Nga Oli mukulu! Nga Oli Mukulu!" ddala bwe kiri.

> *Kyekyava kimugwanira mu byonna okufaananyizibwa baganda be,* . . . (Kirowoozeeko ekyo.) . . . *alyoke abeerenga kabona asinga obukulu ow'ekisa omwesigwa mu bigambo ebiri eri Katonda,* . . . (Muwulirize kino.) . . . *olw'okutangirira* . . . ekibi *ky'abantu.*

Okutabaganya, kati, Katonda, amanyi obwenkanya, yalina okufuuka atali mwenkanya, asobole okuwulira kye kitegeeza okuba omwonoonyi, asobole okuddayo okutabaganya, okuyita mu "kutabaganya," era abeere n'okusaasira eri abantu.

287 Olunyiriri oluddako, mukiwulirize bulungi wano.

*Kubanga ye yennyini* yabonaabona . . .

288 Katonda yali tasobola kubonaabona nga ali mu Mwoyo. Yalina okwambala omubiri, okusobola okuwulira obulumi bw'obulwadde, okuwulira ekikemo ky'okwegomba, okuwulira ekikemo ky'okwetaaga, okuwulira ekikemo ky'okulumwa enjala, okuwulira amaanyi g'okufa. Asobole Ye kennyini okuyimirira mu Maaso g'Omwoyo Yakuwa ow'ekitalo, Omwoyo, ssi Omuntu; wabula Omwoyo, okwegayirira ku lw'obulamu buno. Era Yesu yafuuka ekyo, asobole okwegayirira ku

lwaffe, kubanga Amanyi bwe kiwulikika. Bw'olwala, Amanyi bw'owulira. Bw'okemebwa, Amanyi bw'owulira.

289 Kati, mwali mukyetegerezza nti bwe tuba tulonda pulezidenti, buli mulimi ajja kulonda pulezidenti eyali abaddeko omulimi, kubanga amanyi ebizibu omulimi by'ayitamu. Okiraba? Ayagala omuntu ategeera ky'ayitamu.

290 Kati ne Katonda nga tannaba kutegeera (Ye nga bw'ali Obutukuvu obusukkulumu, Yanditegedde atya nga ate Yali yamala dda okusingisa omuntu omusango? Olw'obutukuvu Bwe, Yasingisa omuntu omusango.), kale engeri yokka gye Yali asobola okutegeera bw'anaggyako omuntu omusango kwe kufuuka omuntu.

291 Bw'atyo Katonda yasiikiriza omuwala atamanyi musajja n'azaala omubiri, nga teguvudde mu musaayi gwa Kiyudaaya, nga teguvudde mu musaayi gwa Munnamawanga, wabula nga Musaayi Gwe Mwene. Omusaayi gwa Katonda gwe yeetondera, awatali kwegatta kwa mukazi na musajja, kwonna, awatali kwegomba kwa kwegatta kwonna wakati wa mukazi na musajja. Era Akatoffaali k'Omusaayi kano, akaatondebwa mu nda y'omukazi ono, kaavaamu Omwana. Era Yokaana Omubatiza bwe yamubatiza, Yokaana yagamba nti, "Ntegeeza, nga nnalaba Omwoyo wa Katonda (mu kifaananyi eky'ejjiba) ng'akka n'atuula ku Ye."

292 Ky'ova olaba Yesu yasobola okugamba, nti, "Obuyinza bwonna bumpeereddwa mu Ggulu ne ku nsi." Katonda n'omuntu baafuuka Omu. Eggulu n'ensi byanywegaragana, era Ye yekka eyali Asobola okuleeta okutabagana olw'ebibi byaffe. Y'ensonga lwaki, mu Linnya Lye, okuwonyezebwa kubaawo. Amanyi obulumi bw'owulira.

293 Mwali muwulidde ku luyimba luno olw'edda?

> Yesu amanyi obulumi bw'owulira, Asobola okulokola era Asobola okuwonya;
> Omugugu gwo gutwale eri Mukama ogulekeyo.

Weewaawo kituufu. Amanyi.

> Emibiri gyaffe bwe giba mu bulumi obutagambika, nga obulamu tetukyasola kubuzzaawo,
> Jjukira kimu nti Katonda ali mu Ggulu ayanukula okusaba,
> Yesu amanyi obulumi bw'owulira, Asobola okulokola era Asobola okuwonya;
> Twala butwazi mugugu gwo eri Mukama ogulekeyo.

294 Ekyo kyokka ky'Akusaba, "Gulekeeyo." Lwaki? Ye Kabona waffe Omukulu ayimiridde wano, amanyi bw'owulira. Era Amanyi engeri y'okukutabaganya n'akukomyawo eri ekisa,

n'engeri y'okukukomyawo eri obulamu bwo. Ye byonna abimanyi, Yabonaabona. Bw'oba tolina w'ossa mutwe, naye kyamutuukako. Bw'oba olina olugoye lumu lwokka, naye lwe Yalina. Bwe bakusekerera, ne bakuyigganya, naye kyamutuukako.

295 Kaakano muwulirize olunyiriri olusembayo. Kale.

*. . . ky'ava ayinza okubayamba* abo *abakemebwa.*

Oba, mu ngeri endala, Asobola *okubakuuma* abo, *okubayamba* abo, okubafuula . . . *okubalumirirwa.* Kubanga, Katonda Mwene yafuuka omuntu, okusobola okuwulira kye bawulira.

296 Mujjukira, ekiro kya luli, ekyo ssi kye twayigirizaako? Engeri Katonda gye yalina oku . . . Okufa kwalina empiso, nga kutiisa. "Ennaku z'obulamu bwabwe zonna baali mu buddu bw'okufa *kuno*." Naye Yesu n'ajja, Akuuleemu empiso eyo mu kufa.

Era bwe Yali alinnyalinnya olusozi, mujjukira bwe twakiraga? Obutondo obwo obumyuufu obwali ku kyambalo Kye, bwe waayitawo akaseera bwonna ne bufuuka ettondo limu eddene, Yenna n'abuna Omusaayi. Omubiri Gwe bambi, ne gunafuwa, nga Takyayinza kweyongerayo, n'Agwa wansi. Simooni Omukuleene, eyali omusajja omuddugavu, n'amuyamba okumwetikkirako omusalaba okugwambusa waggulu ku kasozi.

Era bwe baamukomerera ku musaalaba, n'Alaajana bamuwe ku mazzi. Omuntu yenna avaamu omusaayi yeetaaga amazzi.

297 Mujjukira ekiro kya luli bwe nnabuulira ku "Nga empeewo, empeewo bw'ewejjawejja olw'amazzi, bw'etyo n'emmeeme yange bw'ewejjawejja ku Lulwo, Ai Katonda"? Empeewo ssinga efuna ekiwundu naye nga ekyali nnamu, nga evaamu omusaayi, ebeera erina okufuna amazzi oba ssi ekyo eba ejja kufa.

298 Lumu nnakubwa essasi, nga tuli eyo mu ttale, nga nnina emyaka kkumi n'ena. Nga ndi awo ngalamidde. Nga amagulu gange gasessebbuse, gonna galinga ennyama y'ente gye basekudde, oluvannyuma lw'okukubwa essasi okuva mu mundu eya ggeegi 12. Ne ndaajana nga nsaba amazzi, "Bambi, mpa ku mazzi!" Nnali nsannyaladde; emimwa gyange gyali gisannyaladde.

299 Mukwano gwange n'adduka n'agenda ku kidiba ekyali awo, nga kirimu obukulwe na buli kimu, twali mu lutobazzi. Nga ssifaayo oba gali gatya. N'asenayo amazzi n'ajjuza enkoofiira ye, ne nkwata emimwa gyange ne njaasamya, n'awumbako enkofiira ye *bw'ati*, n'agintunuza mu kamwa. Weewaawo, nnali nneetaaga mazzi.

300 Yali avaamu omusaayi. Yagamba nti, "Mumpe ku mazzi." Ne bamuwa enviinyo enkaatuufu ku kisuumwa, naye n'Agigaana, n'agigaana. Yali Mwana gwa ndiga gwa Katonda nga afa mu

kifo kyaffe, okuleeta okutabagana eri omuntu. Kyali kiki? Yali Katonda ow'Eggulu.

301 Billy Sunday lumu yagamba, nti, "Buli kisaka kyalimu Bamalayika nga bagumbye, bagamba nti, 'Ggwe golola bugolozi omukono osonge olunwe Lwo, Ffe embeera tujja kugikyusa.'"

302 Ne wajja ekibinja kya bannaddiini abeeyitiriza, abeeyita ab'ekitalo abaakenkuka mu by'eddiini abalina zi ddiguli za D.D., Ph.D., ne bajja waali ne bamugamba nti, "Kale, bw'oba nga ddala oli Mwana wa Katonda, walokolanga abalala, naye ggwe tosobola kwerokola, weewanule ku musaalaba, naffe tunaakukkiriza."

303 Tebaakimanya nti mu kwogera batyo baali bongera kunyweza ekyo kye Yali akoze. Yali asobola okwerokola. Naye singa Yeerokola, abalala teyandibalokodde. Bw'atyo, Yeewaayo. Erinnya Lye litenderezebwe. Yeewaayo, nsobole okulokolebwa naawe osobole okulokolebwa. O, okwo nga kwagala okutenkanika!

304 Teyalina kulwala. Omubiri ogwo ogw'omuwendo ogwazaalibwa embeerera tegwalina kulwala. Naye yalwala, Asobole okumanya engeri y'okwegayirira ku lwange bwe mba ndwadde.

305 Teyalina kukoowa, naye Yakoowa. Lumu nnina ebyafaayo bye nnasoma ku nsonga eyo, ssimanyi oba kyali kituufu oba nedda mbu. "Bwe Yamala okuzuukiza omulenzi ow'e Nayini, n'azuukira, Yatuula ku lwazi n'asinda nga omutwe gumuluma," kubanga Yalina okwetikka endwadde zaffe.

306 Yalina okwetikka ebibi byaffe, era bw'atyo Yafa, era e Kalivaaliyo oguyuki guli era okufa olwali okumufumita guti empiso yaagwo. Buli muntu akimanyi, nti enjuki kasita efumita empiso yaayo, tesobola kuddamu kufumita nate. Enjuki bw'ebuuka n'egenda oba ekiwuka kyonna ekiruma nga kifumita, bwe kifumita empiso yaakyo, empiso eyo ekuukamu. Esigala njuki naye nga terina mpiso efumita. Kyokka ky'eba esobola okukola kwe kuwuuma n'okuleekaana.

307 Ekyo kye kintu kyokka okufa kye kusobola okukola omukkiriza, kuleekaana buleekaanyi. Naye, aleruuya, Erinnya lya Mukama lyebazibwe, Yakwatirayo empiso y'okufa eyo n'agikutulira mu mubiri Gwe Ye. Emmanweri yakikola. N'azuukira, ku lunaku olw'okusatu, ne yeekunkumula empiso eyo okuva mu mubiri gwe n'egwa eri, era kati tafa. Era Omwoyo We waali mu kizimbe kino, era Akakasa nti Mulamu mu makkati gaffe. Oyo ye Masiya waffe. Oyo ye Mulokozi waffe ow'omukisa.

*Abaebbulaniya, Essuula Ey'Okubiri 3* LUG57-0828
(Hebrews, Chapter Two 3)
Obubaka Obukwata Ku Kitabo Ky'Abaebbulaniya obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwokusatu akawungeezi, nga 28 Agusito, 1957, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org